The Human Rights Centre Uganda

MANYA NGERI KYI GYOYINZA OKUWAAYO OKWEMULUGUNYAAKWO ERI OMUKUNGU WAMAWANGA AMAGATTE AVUNANYIZIBWA KUKULWANIRIRA EDDEMBE LYABO ABALWANIRIZI BEDDEMBE LYOBUNTU ELYOBWEBANGE

The Human Rights Centre Uganda

ENGERI GYOYINZA OKUWAAYO OKWEMULUGUNYAAKWO ERI ABAKUNGU BEKITONGOLE KYAMAWANGA AMAGATTE

Enyanjula:

Enzikiriziganya yamawanga amagatte ekwata kubalwanirizi beddembe ly'obuntu elambika nti, buli muntu yenna alina obuvunanyizibwa okutumbula nokulwanirira eddembe ly'obuntu elyobwebange.

Akatabo kano kakubiddwa ekitongole kyobwanakyeewa ekya Human Rights Centre Uganda, nga ekigendererwa kwekwongera okutumbula omutindo gwabalwanirizi beddembe lyo buntu, mumulimu gwaabwe ogwettendo.

Abalwanirizi beddembe bangi bayita mubuzibu obutayogerekeka ate ng'ebiseera bingi tebamanyi makubo galiwo gayinza kubayamba kuvvuunuka buzibu obwo.

Nga tuyita mukatabo kano, twagal'okuwa abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu bonna omukisa okukozesa amakubo agalimukatabo kan'agenjawulo okwongela okunyweza obulwanirizi bweddembe ngabayita mukumanyisa abo bekikwatako, entyobola yeddembe egenda mumaaso wano na wali.

Akatabo kano kakyuusidwa mu nnimi za Uganda musanvu (7) nga kwotadde Olukyooli, Oluteeso, Olulanggo, oluswayili, olunyankole olukiga, olunyolo, olutoolo noluganda.

HRCU yebaza nnyo Embassy y'obwakabaka bwa Norway era ne Irish Aid olwobuyambi bwonna obutusobozeseza okukuba obutabo bunno.

© 2011

LABA NTI BULI KIYAMBA OKWANJULA ENSONGA YO OKYOGEDDEKO OBA OKIWANDISE

- Nga tonnaweereza kwemulugunya, kakasanti buli kinayamba okwekennenya ensoga yo okitaddemu.
- Mu nsonga ezeetaaga okukolwako mu bwangu ennyo, kiyinza okuba nti tosobodde kufuna mawulire gonna nga bwegetaagisa, kyokka ebyo ebiba bibuzeeko bizibuwaza omulimu gw'okwekenneenya ensonga gy'obeera owaaba.
- Fuba okulaba nti buli kinayamba ensonga gyowaayo okitaddemu.

EMMIZI (OKUSIRIKIRA EBYAMA)

- Omukungu ono nga ayogera ne gavumenti eteberezebwa okutyoboola eddembe lyomuntu yenna, atekwa butekwa okwogera kulinya lyoyo ali mukatyabaga oba mukizibu. Tayinza kulikweeka. Naye bwaba nga alimukizibu mwana muto(wansi wemyaka kumi namunaana18) erinya lye lijja kuweebwa gavumenti naye terija kulangirirwa mulwatu walala nga mumawulire.
- Nooyo awade amawulire oba ali mukizibu yenyini ayinza okusaba omukungu ono nti erinya terilaalaasibwa.
- Naye erinya oba ekifo amawulire gomuntu atyoboolwa oba atyobooledwa byo bikuumibwa nga byakyaama okujjako nga gwe osabye nti bijibweeyo mulujudde. Bwoba owaayo amawulire jukira okulambi oba mumawulire ago mulime gooyagala galeme kwogerwaako.

EBINTU EBIKULU EBYETAAGA OKUMANYA

1. Erinnya ly'omuntu (oba abantu) agambibwa okutyoboolwa

Faayo nnyo okuwaayo amanya gooyo anyigirizibwa gonna agamanyiddwa era ogawandiike mu mpandiika yaago entuufu. Eky'okulabirako Joshua Yiga Matovu.

(Anyigiriziddwa ayinza okubeera omuntu ssekinnoomu oba ekibiina ky'abantu)

2. Ekifo oba obuvunaanyizibwa bw'omuntu anyigiriziddwa mu kulwanirira eddembe ly'obuntu

Omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu anyigiriziddwa (ng'omuntu oba ng'ekibiina) akola kuddembe lyangeri ki? Eky'okulabirako, mulwanirizi wa ddembe lya bakyala, munnamawulire, mulwanirizi wa ddembe ly'abaana n'ebiti ebirala nga ebyo.

- Omuntu anyigiriziddwa bw'abeera ssekinnoomu, laga ekikula; mukazi oba musajja, emyaka gye, eggwanga lye, n'omulimu gw'akola.
- Omuntu anyigiriziddwa bw'abeera ssekinnoomu oba ekibiina, laga endagiriro mu bujjuvu. Endagiriro zino zikuumibwa nga za kyama.
- We kyetaagisiza, mwattu laga ekibuga n'eggwanga omuntu anyigiriziddwa (ssekinnoomu oba ekibiina) mw'akolera emirimu gy'okulwanirira eddembe ly'obuntu.

3. Ekika ky'okutulugunyizibwa n'engeri omuntu gye yanyigirizibwamu

Nnyonnyola kiki ekyaliwo? Kyali ludda wa? Era ddi? Mbeera ki eriwo mu kiseera w'oweererezza obubaka?

4. Abeenyigidde mu kunyigiriza bebani?

Laga obujulizi bwonna obusoboka osobodde okufuna ku muntu agambibwa nti yatyobodde,; eky'okulabirako: abasajja babiri (nga bali mu yunifoomu?); ennyota ze balina mu magye, ekibinja mwe bava, oba ebitiibwa byabwe.

5. Abajulizi

Waliwo abajulizi ku kutyoboolwa kw'eddembe ly'obuntu okwo? Waliwo abantu abaalumizibwa mu kiwendo kyekimu ekyo?

6. Aboobuyinza kye baakozeewo

Ensonga ezo zaaloopebwako mu boobuyinza abakwatibwako?

Baakolawooki oluvannyuma lw'okuzibaloopera?

7. Ekikoleddwaawo omuntu anyigiriziddwa oba ekibiina ekirwanirira eddembe ly'obuntu

Okutyoboolebwa kw'eddembe ly'obuntu kuno kwalikulaalaasidwaako mu lujjudde abantu ne bakumanya?

Amawulire gano gaali gawerezedwaako mu kibiina ekirala kyonna ekirwanirira eddembe ly'obuntu?

8. Akakwate wakati w'okunyigirizibwa n'emirimu gy'ekibiina ekirwanirizi ky'eddembe ly'obuntu(oba omulimu gwoyo atyoboddwa)

Lwaki olowooza nti okutyoboolwa okugambibwa okubeerawo kugwa mu mirimu gya bulwanirizi bwa ddembe?

Bwekibeera nti oyo atyoboodwa yakolwaako ebikolobero bingi, byonna binyonyole okuva kuntandikwa okutuuka kukyaasembayo nga obiva kumu(so tobitabulatabula) Eky'okulabirako, yakwatibwa enakuzoomwezi bweziti, nasooka asibirwako wano, olunaku bweluti naatwalibwa wano… ebikulu ebyetaagisa okumanya mulimu: ekifo we bamusibidde, oba omuntu oyo alina looya; embeera gy'alimu mu kifo w'akuumirwa mu busibe; emisango egimuvunaanibwa n'ebirala.

9. Ebirala ebyasooka okubaawo

Bwe wabeerawo ebyasooka okubaawo nga kino ekinene oba ekisembyeeyo tekinaba, byonna byambulule mubujjuvu.

10. Ani awaddeyo okwemulugunya kuno?

(Bikuumibwa nga bya kyama)

Laga amannya n'endagiriro mu bujjuvu. Laga omulimu gw'okola.

Okuweereza okwemulugunya kiyinza okukolebwa abantu ssekinnoomu oba ebibiina.

11. Okulaga ebibeera bikyuse

Bwewabaawo ekikyuuse kyonna oluvanyuma lwokwemulugunya, kiwerezeeyo eri omukungu ono amangu ddala nga byakakyuka. Kikulu nnyo okumanya naddala singa wabeerawo enkyukakyuka etuuse ku mbeera y'omuntu eyatyoboolwa.

Okulaga ebikyuse kuyinza okukolebwa singa:

- Ebikwata ku muntu agambibwa okutyoboola eddembe ly'obuntu bimanyika (eky'okulabirako: amannya ge n'ebimukwatako ebirala);
- Ebintu ebipya nga biguddewo (eky'okulabirako: ng'omuntu agambibwa okutyoboolwa ayimbuddwa mu kkomera gy'abadde yasibirwa).

Eky'okulabirako ky'ebbaluwa eweerezebwa eri Omutabaganya wa UN Ow'enjawulo

Muky. Stella Wanyana, munnamateeka abeera (laga ekibuga/ekitundu n'eggwanga). Stella Wanyana akola ku misango gy'abantu abanyigiriziddwa mu ddembe lyabwe ery'ebyensula ng'abawolereza mu ttuluba ly'abantu abatono mu bika n'eggwanga mwe bava. Era yeegattira ne mu kibiina kya bannamateeka ba Uganda abakyala ekiyitibwa Uganda Women Lawyers Association.

Stella Wanyana yafuna okutiisibwatiisibwa okuva ku muntu ataategeerekeka okutadde obulamu bwe mu katyabaga. Okusinziira ku bye tufunye, ku lunaku (laga ennaku z'omwezi/ omwezi/ n'omwaka) Muky. Stella Wanyana baamuweereza ebbaluwa ku ofiisi w'akolera (laga erinnya ly'ekibuga oba ekifo ofiisi w'esangibwa). Ebbaluwa yali eraga nti bagiwandiikidde ye, era yaliko ekigambo kimu nti, "Weegendereze". Olunaku olwaddako, Muky. Stella Wanyana yawonderwa

abasajja babiri abaali mu mmotoka enjeru bwe yali avuga mmotoka ye g'ava ku ofiisi w'akolera, ng'adda ewuwe.

Stella Wanyama teyasobola kwetegereza basajja bano ababiri abaali bamuwondera mu mmotoka. Mukwano gwa Stella Wanyana eyali amuwerekeddeko mu mmotoka ye, naye yalaba emmotoka abasajja bano mwe baali nga babawondera.

Stella Wanyana yatwala ensonga zino ku poliisi y'omu kitundu (erinnya lya poliisi/endagiriro w'esangibwa) n'aloopa enfunda ebbiri ez'okutiisibwatiisibwa ku nnaku zennyini lwe byamutuukako.

Poliisi etandise okunoonyereza. Okutiisibwatiisibwa kuno yakutegeezaako ne ku lupapula lw'amawulire (laga erinnya lyalwo).

Omwaka gumu oguyise (laga ennaku z'omwezi) munnamateeka omulala awolereza abantu ab'ettuluba lyerimu Stella Wannyana ly'awolereza, yaweerezeddwa ebbaluwa efaanana n'eyo eyaweereddwa Muky. Stella Wanyana era oluvannyuma (laga ennaku z'omwezi) n'atemulwa abantu abatannategeerekeka. Ebbaluwa eno eweerezeddwa ab'ekibiina ekigatta bannamateeka abakyala mu Uganda ekya Uganda Women's Lawyers, Stella Wanyana mw'akolera.

Ennyongereza ku bubaka

(Oluvannyuma lw'emyezi ebiri) Tukitegedde lwaleero (laga ennaku z'omwezi) nti okunoonyereza kwa poliisi kwakomekkerezeddwa eggulo. Abasajja babiri bakwatiddwa ne baggalirwa oluvannyuma lw'okuggulwako emisango gy'okuweereza ebbaluwa etiisa okutuusa obulabe ku Stella Wanyana ku lunaku (laga ennaku z'omwezi) n'okuwondera emmotoka ye nga bali mu mmotoka yaabwe bwe yali ava ku mulimu olubaku olwaddako. Abasajja bano ababiri baakusimbibwa mu kkooti mu bbanga lya sabbiiti bbiri.

Wadde nga Muky. Stella Wanyana musanyufu olw'okukwatibwa kw'abasajja bano, wabula alowooza nti omuntu eyabatuma okumutuusaako ebikolwa bino akyalya butaala. Asabye poliisi egende mu maaso n'okunoonyereza.

Endagiriro gy'oweerezaako okwemulugunya n'okuwuliziganya okulala kwonna

- Abakozi mu ofiisi y'Omutabaganya wa UN ow'Enjawulo bajja kulaga nti bafunye okwemulugunya okuweerezeddwaayo singa kino kibeera kisabiddwa. Osobola okuwuliziganya nabo ekiseera kyonna okwongera okwogeraganya nabo ebisingawo.
- E-mail kw'obafunira eri: urgent-action@ohchr.org. Ebiwandiikiddwa mu e-mail birina okujulizibwa omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu avunaanyizibwako.
- Fax: +41 22 917 9006 (Geneva, Switzerland)
- Essimu: +41 22 917 1234. Ennamba y'essimu eno y'eyo ekozesebwa UN e Geneva, Switzerland. Omukubi w'essimu alina okusaba okwogera n'abakozi mu ofiisi ya kaminsona omukulu owa UN akola ku nsonga z'eddembe ly'obuntu (Office of United Nations High Commissioner on Human Rights), naddala abakozi mu ofiisi y'Omutabaganya wa UN ow'enjawulo akola ku nsonga z'abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu.

MANYA NGERI KYI GYOYINZA OKUWAAYO OKWEMULUGUNYAAKWO ERI OMUKUNGU WAMAWANGA AMAGATTE AVUNANYIZIBWA KUKULWANIRIRA EDDEMBE LYABO ABALWANIRIZI BEDDEMBE LYOBUNTU ELYOBWEBANGE

The Human Rights Centre Uganda,
P. O. Box 25638, Kampala,
Uganda.

Telephone: +256 414 266186
E-mail: hrcug@hrcug.org
Website: www.hrcug.org